# Abasajja balaze engeri gye banaayamba okulwanyisa akawuka ka siriimu

BYA SUMAYIYA NAKATTA

MU kaweefube w'okulwanyisa akawuka ka siriimu mu ggwanga Ssaabasajja yavaayo n'asaba abasajja okubeera abasaale mu kulwanyisa akawuka okusaasaana.


Abasajja bangi bawulidde omulanga era ne bavaayo okulaba nga balwanyisa akawuka nga bawa amagezi ku kiyinza okukolebwa.

**Canon Gideon Byamugisha** y'omu ku bavuddeyo era agamba nti, amaze n'akawuka emyaka 34. Agamba nti, Ekisookera ddala abasajja balina okweggyamu okutya okumanya bwe bayimiridde ku nsonga y'akawuka ka siriimu. Okulowooza nti, bagenda kufa mangu, okutya nti, bagenda kunkyawa, okutya okubayita abenzi n'okujjumbira okwekebeza.

Singa osangibwa n'akawuka noonya abantu abakulu mu bulamu bwo obagambe bw'oyimiridde mu bulamu bwo. Bano bagenda kukuyamba okuwangaala kuba bakujjukiza okwerabirira.

Okwogera mu lwatu eri abantu abalala ku mitimbagano, leediyo, ttivvi nti, olina akawuka kikuyamba okufuna obuyambi n'okuggwaamu okutya.

Abasajja balina okuba n'empisa okubeera n'omukyala omu n'okweyambisa obupiira bwe baba nga tebanneekebeza.


Savio Kabugo.

Abasajja kirungi n'owasa omuntu bwe mufaanana bw'oba olina akawuka owase omukyala alina akawuka.

Omusajja tolina kuboola oba kusosola mukyala wo bw'aba n'akawuka kuba yeekyawa ayinza n'okuva ku ddagala.

**Rashid Ssekindi,** Ssentebe w'abavuzi ba takisi mu Uganda, asabye abaami okuvaamu obugayaavu n'okutya okwekebeza akawuka ka siriimu kubanga kati abalwadde bangi tebakyalaga bubonero, so si kirungi kukebeza maaso.

Okwekuumira ku bakyala bo bw'oba Musiraamu osigaze 4 bokka nga tobaliga.

**Ssekamate Christopher** ow'e Maganjo agamba nti, abasajja balina okubeera abasaale okusomesa abantu ebikwata ku kawuka ka siriimu, engeri gye kakwatamu engeri gy'osobola okukeewala wamu n'obujjanjabi obulina okuweebwa.


Rashid Ssekindi

Abaami tutegekenga enkung'aana z'abafumbo kuba be bazadde b'eggwanga.

Abasajja okukulemberamu okukunga abantu okwekebeza.

**James Kiviiri,** omuvuzi wa booda agamba nti, abasajja balina okwekebeza n'abaagalwa baabwe, okuba n'empisa naddala ku mulimu nti, si buli musaabaze gw'ovuga nti, omukwane.

**Micheal Ssenyonga** e Fortal Portal, Kasese akola nga Medical Counsellor e Kasese yazaalibwa n'akawuka ka siriimu ng'alina omwana omu agamba nti,


James Kiviiri


Abasajja balina okufaayo okumanya bwe bayimiridde n'omukyala ku kawuka ka siriimu olwo babeere beegendereza.

Abasajja abalwadde obutava ku ddagala wadde beewulira nga balamu.

**Savio Kabugo,** yali musambi wa mupiira nga yawummula akubiriza abasajja obutatya buvunaanyizibwa bawase basobole okwekuumira bannaabwe okusinga okwenoonyeza endwadde.

Abasajja bandimazeewo akawuka ka siriimu nga batongoza abakyala baabwe nga mu kino omusajja alina okubeera n'omukyala omu.

Singa abasajja bajjumbira okukozesa obupiira kijja kuziyiza akawuka okusaasaana.


Canon Gideon Byamugisha.


Ssekamatte Christopher.